# EKITABO KWE KUSOOKA NZE APOLO WASWA KIVEBULAYA

Transcribed by George Mupanga

*A transcription of one of three notebooks written by Revd Apolo Kivebulaya and his amanuenses. It is found in the archives of the Africana collection, Makerere University.*

The following text in Luganda retains the old Luganda of the original manuscript but, where possible, spellings have been regularised and punctuation added to aid comprehension. Occasional Runyoro-Rutoro and Swahili words and phrases have been left in the text.

EKITABO KWE KUSOOKA NZE APOLO WASWA KIVEBULAYA

## Events 1895-1898

1.8.95. Ekitabo kino kwekusooka nze okukola, Nze Apolo Kivebulaya bwenatandika omulimu gwa Mukama waffe. Nasooka okubuulira obubuulizi mu Kanisa zo mu Buganda era n'abaana abato mu nju yekanisa e Mengo. 1.9.95 Nentandika okuba omuyigiriza mu Toro, abakulu gyebasooka okuntuma. Natuuka e Toro mu mwezi ogwo enaku 8. Nayigiriza bulungi.
3.11.95. Bwenatuuka mu mwezi ogwo newajja akacwano si katono, ne tudduka fenna. Abasumba ne batuyigiriza ffenna, n'ebitabo byange Mpanga n'abitwala. Kabaka naye yadduka. Nebankwata wamu ne bannange. Omuzungu natukwatira mu Toro, n'atuweereza e Mengo. Bwetwatuuka mu kigo bannange ne babata naye nze nebanteeka mu lujegere. Nendaba enaku nnyingi naye olwokuberwa kwa Katonda ne banta awatali kuwoza. Katonda yali wakati mu bateesa, bwebateesa n'abalaba. Nga tewaliiwo nsonga ku nze yakunsibya. Nakkiriza olwo baserikale ne bankuba falu songa sirina musango. Olwo Masiya n'ampa amaanyi ne sikowa mu mulimu gwa Mukama wange. Ebyo byenalaba mu mwaka ogwo 1895.
30.3. 1896. Mu mwaka ogwo netukomawo e Toro ne Bwana Fisa n'omulabirizi Tucker. Abo be basooka e Toro. 8.5.96 Nebambatiza netutuka 8 mu naku ezo.[1] 9.5.96. Ne bantuma e Nagwaki ne Busongora. 25.12. 96. Ne tuwulira nga Emboga baleeseeyo ediini, ne bantuma e Mboga. Natuuka bulungi. 1.1.97. Abantu bwebakkiriza okubatizibwa ne babayigganya nnyo. Nenerarikirira nnyo nti mpozzi banalekayo Masiya. Naye Katonda n'ambeera nnyo ne batalekaayo Masiya.

4.97. Nebabatizibwa omuzungu Keresi. Bweyababatiza ne tusanyuka nnyo, ne mbuna essanyu lingi nnyo. Ate nebeyongera nnyo netusanyuka kitalo. Oluvanyuma n'omwami n'akkiriza Tabaro. Akaseera katono ate naddayo ennyuma ate netwongera okulaba ennaku nnyingi.

20.1.98. Twalaba nnyo mu mwaka ogwo munaffe yagwa neffumu. Nze nnali ndisimbye okusimya ebinnya bye kanisa nga njagala kugikola omu nzekka kubanga omwami yali tanakyuka ebiseera ebyo. Bwe yagwa ku ffumu nendaba nate akabi kanene, abanyamboga ne bajja okuzingiza enju yange. Baaleta amafumu okunfumita naye katonda n'ambeera omulundi ogwokubiri. Ne bampayiriza nti 'omufumise'. Kyenava nzijukira katonda nti 'Katonda ye Mubeezi wange, siritya kabi konna'. Olwo nebankwata bukwasi, nebatanfumita, ne bandeeta mu kigo. Namalamu emyezi ena n'olwo nendabika nga siriiko musango gwonna. Katonda n'ayingira munda zabwe nebatawoza kubanga katonda yabaziyiza mu maanyi mangi ne banta. Era ne Isa Masiya n'ampa amaanyi mangi nnyo ne sinafuwa mu mulimu gwa mukama waffe ate Katonda asaasira (e)nnyo abamwesiga. Nze namwesiga n'amponya. Ate awulira nnyo okusaba kwabantu be abamwesiga ngolugero lwaffe abaganda nti 'Eyali alwadde Nabambula gw'obuuza eddagala lya Nabambula' Nange bankwata nebanteeka ku njegere naye olwokusaba nebalyoka banta. Katonda wange

[1] The text suggests that Kivebulaya was baptised on this day, but he had already been baptised on 27th January 1895. Others were baptised on that day.

n’ambeera nnyo era n’abalabe bange nebatampangula n’akatono. Kyenva ntegeera nti teyekweka. Namusaba bingi nembiraba kubanga neeralikirilanga nnyo gyebantumanga okusomesa. Nagambanga nti ‘Yebazibwe Isa Masiya’. Naye bwenasabanga Mukama n’abakkiriza.

24.4.98: Nentuuka bulungi e Mboga n’omwami nakyuka n’abatizibwa mu nnaku ezo, n’atuula bulungi mu diini. N’ekyo kyankolebwa Katonda kubanga ffe abantu twali tuleseeyo okulowooza nti alikomawo mu diini. Olwo tetwaddira kulaba nnaku n’akatono. Kaakano kyenve njigiriza ku kyawandikibwa nti ‘Nze omunaku ani alindokola wabula Mukama?’ naffe Mukama ye yatuwonya, kyetuva tutegeera nti Katonda awonya awatali mafumu na mmundu. Nze Apolo ne Sedulaka ekyo kyatutegeeza Katonda bwalina ekisa, bwalina amanyi. Mu mwaka ogwo ne tutegeera ekyo, nange nzekka nategeera nga sikyayinza kuva ku Katonda nakatono era n’ensonyi nga zinkwata nze gwe yawonya emirundi emingi egyenkanawo okumuvaako nga kizibu gyendi. Kyenva mmutya ennyo nnyini kubanga ye mubeezi wange Kubanga ye mubeezi wange nga ntambula. Natambula nga neyagala nzekka munda yange, nga ntegeera nti Katonda abeera emirembe gyonna era nti katonda abeera okusinga abantu bonna ab’ensi. Kyekyava kiwandikibwa nti Katonda abeera emirembe gyonna. Sikyatyanga nti ‘bwalinvaako ani alimbeera’, kubanga tavaawo emirembe gyonna. Kyenava nsanyuka ennyo nentambula nga nzannya mu mutima gwange kubanga Isa Masiya y’ankuuma. Era Isa yagamba nti ‘siribaleka nakatono. Kale bwetusoma ekyo neyongera nnyo okusanyuka. Nenva e Mboga ne ngenda e Kitagwenda. Natuuka bulungi. Nalabayo kimu; kweraliikirira kwokka kubanga tetwasomesa bulungi. Naye okujja bajjanga bangi naye ng’abategedde Isa masiya tewali. Kyetwava twerarikirira ennyo. Naye saalabayo bibi bingi wabula ebirungi. Nenva e kitagwenda nenkomawo.

E Toro mu kibuga natuuka bulungi mu naku ezo. Nasanyuka nnyo nnyini kubanga abantu b’eToro bakkiriza n’omwoyo gumu. Babatizibwa bangi. Nagejja mu mwoyo kubanga empisa yange kweralikirira mu mwoyo munda. Bwenalabanga nga tebaja mu kanisa sirya mmere bulungi wabula okweralikirira obwereere. Kale nammwe abakola emirimu egyo mweralikirenga bwemutyo nga nze bwenalalikiranga, mukama n’ampa obuyinza bwe, ne mpangula ekifo ekyo. Ekyo nekindaga nti Katonda kitaffe nomwana nomwoyo omutukuvu batudde gyendi, bali wamu nange. Saabusabuusa nakatono nti Katonda tambeera, naye nagamba nti ambedde. Ate kizibu okutegeera nti Katonda ambedde wabula omwoyo omutukuvu nga amutegezezza. Naye nze kyenava manya anti ambedde kubanga neeralikirira. Kubanga Mukama alaba okweralikirira kwange kubanga setaaga kintu. Bwenabanga netaaga nampa. Okwetaaga kwange kwe kuno; okuba n’obuyinza obw’okuleeta abntu eri Isa Masiya era n’okutuuka mu bulamu obutaggwawo. Obwo yabumpa. Kale nno oba yabumpa…

### 1895-1899 another version[2]

KITABO KINO KWE KUSOOKA NZE APOLO WASWA K. OKUKOLA EMIRIMU GYA MUKAMA WAFFE

1895 August - Nasooka okubuulira obubuulizi mu Kanisa zo mu Buganda mu baana abato mu Kanisa e Mengo. Sept 9 Ate nasooka okuba omuyigiriza mu Toro abakulu gyebasooka okuntuma. Bwe natuuka e Toro natuuka bulungi. Mumyezi egyo nayigiriza bulungi nnyo

[2] This is written in a much smaller, neat hand than Apolo’s but is occasionally annotated by him.

nnyini. Nov 23 Ate olwatuuka mu mwezi guno ne wabaawo akacwano si katono, ne tudduka ffe abasumba ne betuyigiriza bonna, wamu n'ebitabo nebigwa mu Mpanga n'abitwala ne Kabaka n'adduka. Omuzungu Kapiteni Sebanana n'ankwata wamu ne bannange be bamu; gwetwatuumanga Eriya Buliggwanga, n'atutwala mu kigo kye Toro. Bwetwatuuka mu kigo n'asala amagezi n'atuweereza e Mengo. Ne Kabaka waffe Dawudi Kasagama naye nadduka okugenda e Mengo. Ate nze ne bannange bwetwatuuka e Kampala, bannange ne babata naye nze ne banteeka mulujegere. Mu Lujere olwo nalabiramu ennaku nnyingi nnyo nnyini. Olwokusaasira kwa Katonda banta awatali kuwoza. Wewaawo Katonda yali wakati wa bateesa. Bwe bateesa baalaba nga siriiko nsonga ya kunsibya. Olwo abaserikale bankuba falu so nga sirina musango. Naye kyebava bambonyabonya batyo okukukira bannange kubanga nze nnali mukulu. Olwo Masiya n'ampa amaanyi ne sikoowa mu mulimu gwa Mukama. Ebyo bye bigambo byenalaba mu mwaka ogwo.

## 1896

March 30 Ne tukomawo e Toro ne bwana Fisa n'omulabirizi. Be basooka okutuuka e Toro. May 8 Abantu ne babatizibwa Bishop omubeezi ye yababatiza. Mu nnaku ezo netufuna e mirembe. May 9 ne bantuma Nyangwaki ne Busongora. Naye natuuka bulungi. Naye olwobutafuna bantu abasoma enjiri ekyo kyansanyusaako katono.

25th, Ate ne tuwulira nti e Mboga baleseeyo eddiini, ne nzija e Busongora. Ne bantuma e Mboga. Satuula bulungi kubanga bwenatuukayo saalaba bulungi okukkiriza kwabwe wabula nalabayo omukazi omu Elizabesi Luhubya nga ayagala nnyo okukkiriza Mukama waffe Isa. Omukazi oyo najja gyendi n'agamba nti'njagala ompandiike nsome, mbatizibwe'. Ne mugamba nti 'genda oyite balo' Bweyabuulira bba yajja namafumu n'emiggo, nga agamba nti, 'Oba oyagala okubatiza mukazi wange, nkufumise.' Ne muddamu nti 'ssebo nze sibatiza, omuzungu y'abatiza. Kakaano nze muwandiika buwandiisi asome busomi' Bwe namugamba bwentyo n'anvaako n'agenda eri omwami kubanga omwami yali muganda we. Bwe yatuuka eri omwami n'amugamba nti 'ggwe waleeta ekisomo, genda obatizibwe n'owange alyoke abatizibwe' N'omwami n'alyoka ajja gyendi nangamba nti 'Omukazi oyo muleke, mubi, nze mmumanyi. Nze naleeta ekisomo, ka nsome kubanga ggwe oli musajja mukulu, omukazi oyo ajja kukwonoona.' Nange ne muddamu nti 'wewaawo, newankubadde nga mubi, ka muwandiike ndimulaba obubi bwe' Bwe bwakya enkya bwana Loida n'atuuka ne mubuulira ebyo. Bwana Loida bweyawulira ebyo n'ayita nze n'omwami ne munnage Sedulaka Zab. Loida n'agamba omwami nti 'Omukazi oyo muleke awandikibwe asome nga Apolo bw'akugambye. Ye alimulaba bubi bwe. N'omwami n'akkiriza. Era bwana Loida nagamba omwami nti 'toziyiza abaagala okumugobereranga' Era nekyo omwami n'akiwulira.

Ebyo bwe byaggwa ne wayimuka abalala 12 nebagoberera omukazi oyo. Bba womukazi oyo erinnya lye nga ye Muchwangobe, n'omukazi Luhubya. Bombi baabatizibwa; Muchwangobe ye Zakaliya, omukazi ye Elizabesi. Ate ne wayimuka omusajja omulala muganda w'omwami n'akkriza. Bweyakkiriza omwami n'alowooza nti 'mpozzi oyo ajja kulya obwami bwange' nti kubanga abazungu baagala basomi. N'amukyawa wamu n'abalala era n'atalya wamu nabo, era n'abavumanga okuvuma okunene bulijjo. Abalala abakkiriza Isa nebaddayo ennyuma kulwomwami okubayigganyanga bulijjo. Abo bwebaddayo ne neeralikirira nti mpozzi bonna banaava ku kitundu. Ate Katonda ayinza byonna n'atubeera nebatadda nnyuma. Ate April 4 bwana Yokana Kalesi n'atuuka, n'abatiza. Nange nenfuna essanyu lingi nnyo nnyini. Era n'omwami n'akkiriza n'abalala nga 30. Netubawandiika. Naye twali kubayigiriza ebirungi ne

wabaawo akacwano ku lwa baserikare abapuliisi nebokya n'ekanisa yaffe, nebagyokya nensi yonna Mboga, nebatugobera mu malungu. Oluvannyuma ne tukomawo ffenna.

Bwe twakomawo omwana w'omwami n'afa. Omwana oyo bwe yafa omwami nagamba nti 'Katonda taliiwo, bakomyewo emandwa zange' N'abasomi bonna be yali nabo ku kitundu nebavaako 20, ne wasigalawo 10 ne bonna abaali mu kisaakaate nabagobamu abaali bakiringamu. Ate ababirigi nebakomawo era ne tudduka ne tumalayo ennaku 5. Awo omwami n'agaana nti 'temubangawo asabira mu kisakaate kyange kubanga mmwe mundeetera obwemi'. Naye nze nempalirizanga okugendayo ku lwa Bamasiya abakazi abaaliyo. Omwami bwe yalaba bwatyo, n'adduka n'agamba nti 'tewabaawo angoberera', kubanga yagenda kiro. Ate n'alagira nti 'tewabaawo muntu a bazimbira nnyumba' Bwebwakeera enkya nga agenze ne tuteesa okubazimbira ennyumba yabwe mu kikaali. Era ne tuyozayoza omwami n'essanyu, ne tuzimbawo akayumba katono, nebakasulamu ennaku 5. Ate oluvannyuma ne bavaamu ne balaba ennyumba omwami gyeyazimbira nnyina, ne bagiyingira. Omwami n'akwatibwa ensonyi n'abaleka.Ate n'alagira nti 'Temuzimba wano Kanisa. Omumasiya tatambulanga, bwe mumulaba mumukuba. Abasomesa temubawanga mmere, balifa enjala. Oba baagala ne bagenda' Omwami bweyayogera bwatyo netulaba omuti omulungi netusabirangamu, kubanga tuwulidde omwami bwakayanidde ekifo kye ekiggya, mbu tetukyonoona okuzimbamu ekanisa.

## 1898

January 20 Ne tulowooza okuzimba e Kanisa, ne tugenda e wa munaffe Mucwangobe ne tusabayo effumu okulirimya ebinnya, ne tulissa awo kukisenge. Twali tulowooza okugenda okulongoosa ekibanja. Ne tulaba omuliro nga gufulumye mu kikaali enyumanju ewaffe, ne tugenda okuguzikiza, ne gugaana, ne tukomawo okujja ebintu mu nju. Naye twali tuddukana bwe tutyo tusimbye ennyiriri, kazzi oli asimbye effumu neritanywera bulungi. Lyali ligwa omuwala Malyamu Tigita n'aligwako n'afa, Jan 20. Naye nze nalaba nnyo nnyini ennaku zino. Ne bajja namafumu n'emiggo nga bazingizza ennyumba yange, nange nga ntuula wakati mu nju, nga bafumitafumita, nga abaswagga ebyennyanja. Kye baava batya okuyingira mu nnyumba baalowooza nti nina effumu, sso nga sirina. Era nayingiramu nga tebandabye bulungi. Bwebalemwa newalyoka wavaayo omusajja omu erinnyalye Baliga. Awo nga agamba nti 'tuleete omuliro tumwokyeremu' Awo nga addukana okunoonya omuliro, n'atuuka mu mayumba nga 5 nga gubula. N'agulaba ku nnyumba eyenkomerero, nga wayiseewo mpozzi kitundu kya ssaawa. Naye yalinga aguleeta Katonda Kitange era omuyinza w'ebintu byonna n'alyoka agolokosa omukazi nnyina nnyina w'omwami, nayogra n'eddobozi ddene nti 'bw'onotta Apolo nga ali omu, sso nga tebali babiri naawe balikutta, kubanga baligamba nti wasooka okutta omwanawo n'olyoka otta n'ono. Kubanga wayigganya dda abayigiriza'. Mpozzi eyo ye nsonga Katonda gyeyamulowozesa nga tamanyi. Era ne Kayafa kabona omukulu bweyalowooza bwatyo, ngayagala okuwonya ensi. N'omukazi oli yayogera bino nga ayagala okuwonya omwanawe, sso si kuwonya nze. Ate Katonda wange kye yateesa mu kiseera ekyo kumponya. Awo omwami yateesa okuntwala eri bba omuwala y'aba anzita, kubanga omuwala oyo yali ayogerezebwa era n'omusajja oyo eyali bba omuwala yali mwami mukulu nnyo era y'afuga ensi eyo. Awo nga bankwata nsibiddwa. Bwebantuusa ne bagamba nti 'oyo ye yatta mukaziwo, mutte'. Ye n'agaana n'agamba nti 'sigenda kumutta. Mutwale eri omuzungu y'aba amutta. Tumutekeeko nenjovu alyoke amutte era alisiima ebigambo byaffe. Awo nebantwala mu kigo, n'ebigambo byabwe eby'okuwayiriza. Bwe bantuusa mu kigo nga omuzungu taliiwo, nembeera mu

kolokooni okumala emyezi 4. Omuzungu bweyakomawo bwana Bakre n'amubuulira byonna. Awo nanneyimirira omuzungu n'akkiriza n'agamba nti 'kale mutwale olimuleeta abaloopye bwe balijja'. Awo nenvaayo era nolwo n'alaba nga sirina kabi n'akatono. Katonda yayingira mu nda zabwe nebatawoza kubanga katonda yabaziyiza n'amaanyi mangi, ne banta. Era nekyo Isa Masiya n'ampa amaanyi mangi nnyo ne sinafuwa mu mulimu gwa Mukama. Ate Katonda asaasira nnyo abamwesiga. Nze namwesiga nalyoka amponya. Era awulira nnyo okusaba kwa bantu be abamwesiga, ng'olugero lwaffe Abaganda bwe luli 'eyali alwadde nabambula gw'obuuza eddagala lya nabambula'. Kubanga bankwata ne banteeka ku njegere, ne nsaba Katonda n'ambeera nnyo era n'abalabe bange tebampangula nakatono. Kyenva ntegeera nti tebyekweka. Namusaba bingi nembiraba kubanga neralikiringa nnyo gye bantuma okusomesa. Nalowozanga nti mpozzi tebakkirize Isa masiya. Bwe nasabanga Mukama ne bakkiriza. Naye bwenalekanga okusaba nebadda ennyuma. Awo omusango tegwasalwa. Omwami olwatuuka bwe yajja awo nga agamba nti 'Mumpe omusomesa wange agende asomese Namulanga bwereere, omuntu tamuttanga.'

1898
April 24
Ne tusitula okugenda e Mboga. Bwetwatuuka ne tutuula bulungi. N'omwami n'akyuka n'abatizibwa. Mu naku ezo yatuula bulungi mu diini. N'ekyokyakolebwa katonda, ffe abantu twali tuleseeyo okulowooza nti alikomawo mu diini. Tetwaddira okulaba ennaku nakatono. Kaakano kyenava njijukira ekyawandikibwa nti 'nze omunaku ani alindokola wabula Mukama wange?' Naffe Mukama ye yatuwonya kye tuva tutegeera nze Apolo K. ne Sedulaka Z. Ekyo kyatutegeeza Katonda bw'alina ekisa.

## 1899
Yandabikira mu kiro nti 'ndi naawe', Yesu Kristo bwe yagamba. Nange nzekka nategeera nga sikyayinza okuva ku Katonda nakatono. Era nensonyi zinkwata nze gwe yawonya emirundi emingi gityo ena egyenkana awo. Okumuvaako kiba kizibu gyendi. Kyenva mutya ennyo nnyini kubanga ye mubeezi wange nga ntambula neyagala nzekka era nga munda yange nga nsanyuka nnyo nnyini mu mwoyo. Era nga ntegeera nti Katonda abeera okusinga abantu abo musi bonna. Kye kyava kiwandikibwa nti 'Katonda abeera emirembe gyonna' era sikyatya nti 'bwalinvaako ani alimbeera kubanga talivawo emirembe gyonna. Kyenva nsanyuka nnyo, ne ntambula nga nzannya mumutima gwange kubanga Isa Masiya yankuuma era ne Mukama Isa yagamba nti 'Siribaleka nakatono. Yok 14:18'. Kale nno bwensoma ekyo neyongera okusanyuka.

August 1 Ate nenva e Mboga nengenda Kitagwenda, ne ntuula bulungi nnyo. Wabula nalabayo kimu kyokka; okweralikirira kwokka ku lwokuba tetwasomesa bulungi. Okujja bajjanga bulungi era bangi naye ne batategeera Isa Masiya era nga abategedde batono nnyo, sibangi nnyo. Ekyo kye kyatweralikirizanga. Saalabayo bigambo bibi okujjako ebirungi byokka. Ate nenva e Kitagwenda nenkomawo e Toro mu kibuga Kabarole. Nentuula bulungi nnyo ennaku 8. Nasanyuka nnyo nnyini kubanga abantu be Toro bakkiriza nomwoyo gumu, babatizibwa bangi nnyo mu nnaku ezo. Nange nagejja nnyo mu mwoyo gwange munda. Bwe ndaba ngabantu tebajja mu kanisa sirya bulungi mmere wabula okweralikirira okwereere. Kale nammwe abakola emirimu egyo mweralikirenga bwe mutyo. Nze ne rarikiriranga mukama nampa amaanyi n'obuyinza bwe, ne mpangula ekifo ekyo. Nekintegeeza nti Katonda kitaffe n'omwana n'omwoyo omutukuvu, nti batudde gyendi, sabusabuusa

nakatono nti Katonda tambedde naye ambedde wabula omwoyo omutukuvu amuntegeeza. Naye kye nava ntegeera nti ambedde neeralikira nnyo. Kubanga Mukama yalaba okweralikirira kwange era kubanga setaaga kintu, bwemba neetaaga nampa. Kubanga okwetaaga kwange kwe kuno; okuba n'obuyinza obwokuleeta abantu awali Isa Masiya era n'okutuuka mu bulamu. Obwo yabumpa, sikyatya Sitaani nakatono. Nange nga nsanyuka nnyo nnyo nnyini. Era netaganga emmere, nembuzi, ne nente, nengoye, nensimbi. Kubanga mukama ali nange, nafunanga awatali kugula. Nekyo kyavanga eri Mukama. Kye nava njijukira ekyawandikibwa nti 'musokeenga okunonya obwakabaka n'obutuukirivubwe ne byonna mulibyongerwako- Mat 6:33. Nammwe mujjukirenga bwemutyo muliwebwa ebyo.

1894 August 16, Mengo, mumwaka ogwo nze kwenasookera okugenda ku kitundu okusoma okubatizibwa 1895, January 27, Mengo, mu mwaka ogwo nze nembatizibwa Bwana Lasiko[Roscoe]. Yambatiza wamu ne bannange. Ate era mu mwaka ogwo August 6 Mengo, nensembera ku mmeeza ya mukama waffe. 1896 January 10, mu mwaka ogwo nebanzisaako emikono Mengo. Omulabirizi waffe Tucker Right Rev. A.R, D.D ye yanzisaako emikono. 1900 December 21, omulabirizi n'anzisaako emikono gy'obuweereza mu Kanisa eye Toro Kabarole. 1903 June 7, Mu mwaka ogwo ne banzisaako emikono g'yobukadde mu Kanisa e Mengo. 1901 Mu mwaka ogwo ne basooka okuzimba e kanisa eyobudongo mu Toro Kabarole.

## 1900

Ne tusitula okuva e Kabarole wamu ne Bwana Maddox. Ne tusula Wasa. Ne tukungana wamu n'abapakasi nga 20. Enkya ne tusitulawo okugenda ewa Bambyeba, ne tunoonya ab'okusoma ne babulawo. Olweggulo H.E.M[addox] n'agenda okuyigga ensolo ennangazi nezibulayo ne tusaba n'abapakasi. Enkya ne tusitulawo ne tusula mu Makukulu, ne tunoonya abokusomesa ne babula ne tusaba n'apakasi baffe. Enkya ne tusitulawo ne tusula Kiryama, ne tukunganawo abantu 5, ne tubabuulira ku Masiya. Enkya ne tusitulawo ne tugenda e Mboga. Netutuuka e Mboga ne twosa Ssabiiti, ne tukungana abantu 400, omuyigiriza nga Samuel Lukoma.

Enkya ne tusitulawo ne tugenda e Bulogo ewa Kwezi. Ne tukungana mu kanisa abantu 30. Ne tubabuulira ku Masiya. Enkya netusitulayo ne tukomawo Mboga. Enkya netusitulyo ne tugenda Kakatemula.

Naye nga tukyali mu kkubo, Rev N.S.M Naiga, n'akuba ensolo bbiri n'ekyasi kimu. Bwe yamala okuzitta ne tugenda okusula Kakatemula. Enkya ne tusitulawo ne tugenda ne tutuuka Bulanga, ne tusulawo. Enkya netusitulawo okuyita Bwamba. Ne tusula Bwandu omwa Tende. Ne tukungana n'abamba 40 okusaba nabo. Ate ogwo gwe mulundi omubereberye omuzungu omuminsani okuyita e Bwamba. Era nze nnali omuyigiriza owo kusooka. Enkya netusitulawo okugenda okusula ewa Bugali. Ne tusaba nabo abantu 50. Enkya ne tusitulawo ne tusula ewa Luwandiika. Ne tukungana na Abakonjo nga 10. Enkya ne tusitulawo ne tutuuka e Kabarole.

## 1901

March 1, 1901

Ne bantuma e Butiti, ne ntuuka mirembe 8. Abantu baayo tebagaana Masiya, bakkiriza mangu nentuulayo ne Yakobo Kivunya Buganga ne mukyalawe Dulukansi Kiri. Twakuuma

bulungi ekisibo kya Mukama, tetwalaba kabi mu kifo ekyo, kazzi Katonda ng'ali wakati waffe, ye yatukoza eby'obuzira mu nnaku ezo.

Tweralikirira katono mu mwoyo nti 'simanyi tebajje mu kanisa, simanyi banajja' kazzi nga bo bajja bangi. Twafaanana abassi b'enswa. Omussi w'enswa bw'alaba nga esaze, talema kweralikirira. Newankubadde enebuuka agamba nti 'mpozzi empewo enejja n'efuuwa amatabo nga nenswa tenabuuka, mpozzi obudde bunaaba bubi netebuuka, sso nga yeraalikirira bweraliikirizi, yo nga enebuuka. Ekimweralikiriza butamanya bifa mu ttaka, newankubadde ebifa mu ggulu newankubadde ebifa mu mpewo, newankubadde enswa.

Naffe Yakobo K. ne Dulukansi K twafaanana bwetutyo sso nga banajja. Naye olwobutamanya kye kyabalowozesa. Te twamanya nti balowoozezza nti 'tetugende mu Kanisa oba tunagenda mu kanisa. Bwetwalowozanga bwe tutyo nga tetumanyi bye bateesa ne tweraliikirira nnyo. Naye Katonda yalaba n'atusaasira nnyo nga abayita bonna awo nga bajja mu kanisa. Nange bwe nalaba bwentyo.

Ate ne tusitula olugendo ne bwana Maddox. Ne tuva Kabarole ne tusula Butanuka, ne tukungana abantu 80 mu Kanisa. Ne tubabuulira Masiya. Ne tuvaawo ne tusula Bukweza, ne tukungana abantu nga 40 mu kanisa. Ne tubabuulira Masiya. Bwe twavaawo ne tutuuka Mubuku, ekitabo kyange nekigwamu, nekisaanikira eriiso lye kyapa kya Rev. H.S.M ne kigwamu. Ne tusula Nyamwamba. Enkya ne tusitulawo ne tutuuka Kitabu. Omuyigiriza waayo ye Tito Balikurungi. Ne twosawo sabiiti ne tukungana nga 100. Ne tubaabula Masiya nga bwatwagala era bw'ayagala ffe okugenda wamu ne banaffe gyali. Bwetwavayo ne tukomawo ne tusulawo, ne tukungana nabo enkya mu kanisa, abantu 50. Ne tubabuulira Katonda bw'atutumye okubabuulira mwenna okugenda gyali. Enkya netuwunguka ennyanja kugenda Buyondo. Ne tukungana mu nnyumba abantu 10, ne tubabuulira mukama waffe bw'ayagala Abakonjo nabo okugenda gyali. Era ne tubasuubiza okubatumira omuyigiriza. Ne tukomawo e Katwe. Enkya ne tusitula ne tugenda Katungulu naye mu kkubo omupakasi waffe n'alwala. Rev. H.S.M n'aggyako minvuli ye n'agimuwa, omusana ne gumwokya nnyo nnyini. Bwe twatuuka Katungulu enkuba netonnya nnyo nnyini.
Enkya ne tusitulawo okugenda Kigabiro. Ne tusaba nabo, ne tubabuulira mukama waffe bw'abaagala ennyo okugenda gyali. Enkya ne tusitulawo okugenda okusula Makyolo. Omuyaga ne gutukwatira mu nnyanja nga tuddayo okugoberera ente n'ensolo ya bwana ne tusaabaza ensolo. Bwana nagenda nze nensigalayo n'ente ye n'awunguka. Abasese ne banzirukira ne bampungula n'ente, ne tutuuka Makyolo. Tetwasulawo lwa kubiri ne tusitula ne tugenda Mitala, ne tumalayo ennaku. Ne tukungana abantu 30 mu Kanisa, ne tubagamba okunyiikira okukkiriza Mukama waffe.

Enkya netusitulawo ne tusula Kiziba. Tetwasangawo bantu. Twabegayirira okusaba nabo ne bagaana. Enkya ne tusitula ne tusula Kibale. Twakungaana abantu 50. Ne tubeebaza okunyiikira okutuusa enaku ezo nga banyiikira. Era ne tubabuulira bwe batyo okutuusa Mukama waffe bwalijja nga bali bwe batyo. Enkya ne tusitula ne tusula Isunga, ne tukungaana mu kanisa abantu 20. Ne tubagamba nti Mukama waffe yatutuma okujja okubalabula nti 'munyiikire okukkiriza Mukama waffe.'
Enkya ne tusitulawo. Naye bwe tuba tutuuka Namunkise Bwana H.S.M nandwalako endwadde nnene nnyo nnyini, ne tutuuka e Kabarole nga mulwadde nnyo nnyini.

Ate ne tusitula olugendo ne mukyala Nurudich nga tuva Kabarole. Netusula Butinda ne tukungana abantu nga 25. Enkya netusitulayo ne tugenda Rubona, ne tusulayo ne tukungaana n'abantu 40. Enkya ne tutuuka Butanuka nebatusisinkana mu kkubo abantu nga 350. Ne tubeebaza okunyiikira bwe batyo era ne tubagamba nti 'munyiikire bwemutyo omulimu gwammwe gwonna'. Olweggulo abakyala ne bakungaana bokka mu Kanisa okubaabulira okunyikira okuyita banabwe okubatuusa eri mukama waffe.
Enkya netusitulawo netusula Kasungu, ne tukungaana abantu 40. Ne tubabuulira Masiya era nga ye Mukama waffe bwabagala bamukkirize. Enkya ne tusitulawo ne tusula Buchweza. Ne tukungaana nabo nga 35.  Naye bo tetwabasiima mu kukkiriza kwabwe.Enkya ne tusitulawo ne tusula Kanyamiro ewa Mutagwenda. Twasaba ffekka twabegayirira okusaba naffe ne bagaana. Enkya ne tusitula okugenda okutuuka Mubuku era ne tusula Muhikani. Ne tukungana abantu 25, ne tubabuulira Mukama waffe bw'abagala bamukkirize era nga bwateteseteese okubawa abamukkiriza bye baagala. Ne tuwulira abava mu Ankole nti banaatuuka Kabarole.

Bwetwawulira bwe tutyo, enkya ne tusitula ne tutambula olugendo lunene ne tutuuka Muhokya, ne tusulawo. Enkya ne tusitulawo ne tutuuka Kitabu. Ne bajja bangi okutusisinkana mu kkubo nga 80. Ne tukungaana mu kanisa nga 100, ne tubasiima ku lwokunyiikira. Era n'omuyigiriza wabwe bwe yajja baanyikira nnyo.

Ne tubabuulira bwe bagenda okuwebwa ekitibwa mu nsi egenda okujja. Olweggulo ne tubatirizaawo abantu 4, baali bakyala. Mukyala E.C Paika n'ababuulira bwe bafuuse abaserikale ba Isa leero. Era nti 'muliba n'ekifo mu ggulu mwemutuula nga munyiikira nnyo nnyini'.

Ekya ne tusitulawo ne tukomawo ne tutambula olugendo lwa ssaawa 12, ne tusula Mubuku. Enkya ne tusitulawo, ne tusula Butanuka. Enkya netusitulawo, ne tusula Bulungi. Twatukawo essaawa 9. Ne tusulawo enkya ne tutuuka Kabarole.

## 1901

Ne tusitula okulambula e Kanisa. Bwe nava e Kabarole ne tusula Isungane bakungana mu Kanisa abantu 8, ne tusaba nabo. Ne mbabuulira okunyiikira okukkiriza mukama waffe. Enkya ne tusitulawo netusula Kibale, nensangayo omuyigiriza waayo Yakobo Gwebatakutte. Ne tukungana mu Kanisa abantu 150, nembabuulira okunyiikira okukkiriza mukama waffe. Enkya ne tusitulawo nensula Kiziba ate enya nensitulawo ne tutuuka Kitagwenda. Netukungana bantu 30, ne mbabuulira mukama waffe bw'ayagala abantu bonna okumukkiriza. Enkya ne tusitulawo nensula Kasunganyanja. Enkya nensitulawo ne nsula Lwamusakala. Enkya ne tutuuka Kitabu, ne nsangayo omuyigiriza wayo Tito Balikurungi n'atusanyukira nnyo nnyini. Ne tukungana nabo abantu 100. Ne tubasiima kulwokukkiriza kwabwe.

Olweggulo ne tufuna ebbaluwa nga eva Kabarole ewa Rev. Maddox nti 'abayigiriza banaakungana mu Kanisa okulya embaga yabwe. Ne tulyoka tusitula n'abayigiriza baayo 2 ne tututuuka eri Samuel Lukoma. Tetwasulayo, twasitula sawa 1 ne tutuuka saawa 8.

## 1902

N'enva Butiti ne banziza e Kabarole. Oluvannyuma nenambula e Kanisa. Nayita bulungi ne bakungana mu kanisa 150, ne mbabuulira ku Masiya. Saasulawo ne ngenda Kitini ne bakungaana mu kanisa 100. Nembabuulira ku Masiya. Ne nsitulawo ne ngenda Rubona nensulawo. Ne bakungaana mu kanisa 120. Nembabuulira ku Masiya. Enkya nensitulawo ne nsula Busita, ne mbatizaawo abantu bakungaana nga 50, ne mbabuulira ku Masiya. Enkya netusitulawo ne tusula ewa Yoswa Lutenta. Ne tukungaana ku lusozi awatali kanisa. Twali 50. Ne tuyitwo, te twasulawo. Awo nebatusisinkana abantu nga 150 nga bava Butanuka, ne batutwala n'essanyu lingi. Twatuukira mu Kanisa nga tusaba nabo, nga 200. Ssabiiti we yansangan netukungaana mu kanisa nga 350. Nembabuulira ku Masiya. Ku Bbalaza nensitulawo ne tugenda ne Samwiri Lukoma ne tutuuka Kaima, ne tukungaana mu kanisa abantu 20. Ne mbabuulira ku Masiya bwatwagala. Enkya ne tusitulawo okugenda Kibaale.Twayita mu kkubo bbi nnyo kitalo, ne tuyita Mutemero ne tutuuka Kibaale.
Ne twosawo sabiiti. Twakungaana 180 ne mbabuulira enkya. Samwiri Lukoma n'ababuulira olweggulo. Enkya ne tusitulawo nga tukomawo Kabarole. Olugendo lwaffe ne luggwawo.

## 1904

Ne tusitula okulambula e Kanisa. Bwe nava e Kabarole nensula Rubona. Twakungaana olweggulo abantu 30 mu kusaba. Ne mbabuulira Mukama waffe bw'atwagala tugende gyali. Enkya nensitula nentuuka Butanuka nensangayo omuzungu wayo Andereya Sere.
Ne tukungana mu Kanisa abantu 50 olweggulo ne mbasiima ol'wokunyiikira kwabwe okukkiriza Mukama waffe era nensulawo enaku 3, nga tutumye Kabarole ku lwa Andereya , ng'ayagala okugenda wamu nange e Katwe.
Enkya ne tusitulawo ne tusula Bululi ne tukungana mu kanisa abantu 20. Naye nga tewali muyigiriza era nga baagala okusasaana ng'endiga ezitalina musumba. Ne mbabuulira okunyiikira ennyo nti 'newankubadde nga abayigiriza bavaawo, munyiikire okukkiriza Mukama waffe'
Enkya ne tusitula ne tusula Nyamwamba. Enkya netusitulawo ne tusula Kikolongo. Enkya ne tusitulawo ne tutuuka Katwe ne tukungana ku Sabiti abantu 60. Ne mbabuulira nti 'munyiikire mu kukkiriza kwammwe' era nti 'munyiikire okubeera n'omuyigiriza wammwe Zakayo Musana'. Ne mbatiza abantu 3. Olweggulo Sere n'ababuulra okunyiikira ebibi byabwe bisangulibwe.
Enkya ne tusaabala ennyanja ne tugoba ku kizinga ewa Kakule. Ne tukungana mu nju era ne mu luggya abantu 40. Era ate, enkya ne tusaabala ennyanja ne tutuuka Buyindo ewa Kasigano, mu nsi ya Ankole. Netukungana mu Kanisa abantu 20 era waliwo abayigiriza abaganda 2. Ne mbabuulira okunyiikira okukkiriza n'omwoyo omulungi baleme okuddayo ennyuma.
Ne tusaabala olweggulo ne tukomawo e Katwe. Ate Mande enkya ne tusitulawo ne tutuuka ku nnyumba ewa Masako ne tukungaana mu Kanisa abantu 65. Nembuulira okunyiikira kubanga balina abayigiriza 3; Tom Mururu, Lukia Kajumbukire ne Eseri Bikakitegere.
Enkya Andereya Sere n'abapakasi bonna ne balwala nnyo nnyini omusujja. Abalala ne basigala awo, ne ntwala Andreya Sere. Bwe twatuuka Mu kkubo ne nsanga ebbaluwa nga ziva Mengo, omulabizi ng'ampita okugenda okuyingira Namirembe, e Kanisa yaffe eyekitibwa.
Ne tusula Muwokya. Enkya netusitula ne tutuuka Buhweza, ne tukungana abantu 10. Ne mbabuulira okukkiriza omulokozi waffe. Era nabo balina abayigiriza 2.

Enkya ne tusitula ne tutuuka Butumuka. Andereya Sere n'awummula. Enkya nentambula ne ntuuka Kabarole.
Geresomu Balikurungi yazalibwa April 3 1904. Kitagwenda gye yazalibwa.

## 1907

Olugendo lwe Buganda
Nze lwebantuma e Buganda ne Andereya Sere nentwala Tito Balikurungi, July 2 1907. Ne tuva e Mengo ne tukomawo e Toro.

1. Bwe twava e Mengo twasula Mabale July 3
2. Ne tusitula e Mabale twasula Katiko July 4
3. N etusitula e Katiko twasula Bimbye July 5
4. Ne tusitula Bimbye twasula Mu Kijemula
5. Ne tusitula Mu Kijemula twasula Kabula July 7
6. Ne tusitula Kabula twasula Lwanyenje July 8
7. Ne tusitula Lwanyenje twasula Mukawunga Kanyama July 10
8. Ne tusitula Mukarungu Kanyama twasula Ruhoko July 12
9. Ne tusitula e Ruhoko twasula Butiti July 13 enkya ne tutuuka Kabarole July 14. Nze natwala abetissi 5 nabojo 2. Andereya yatwala abetissi 2. Tito yatwala omwetissi 1 naffe twali 3. Okugatta ffenna twali 13. Amagenda n'amadda twasula ebisulo 24.

September 7, 1907 Ne bantuma Mboga, nasanga basoma batono nnyo, Katonda n'ampa amaanyi mangi olwokusaba ennyo kubanga empisa yange kwe kusaba ennyo mukyama oba eka oba mu Kanisa. Bwenasaba bwentyo nendaba Katonda nga ayita bangi. Twasooka mpolampola ennyuma ne tweyongera. Navaayo December 25 ne nkomawo Kabarole.

## 1908

January 1908, nengenda e Mboga ne Andereya Sere, Leya Andavuya, Luusi Yona. Abana twatuuka bulungi era Leya Sere yalwala. February 3, Ekizimba ku nnyindo nazimba amaaso gonna era nze nembalekayo nenkomawo February e Kabarole.

May 18 1908, Ne bantuma okulambula ekanisa Kibale. Twasoma Ku Ssande 56, abaasembera 10. Natuuka e Ntara May 12 ku Ssande abantu 156. Natuuka Kanyabulara ku Ssande abantu 167. Natuuka Duhungu Sazinde abantu 106 Kanyabulala. Twasembera abantu 18. Duhunga n'abatiza Nekemiya Habaro, leya Bakahumula, Aloi Kayitabwa
Nazimba e Kanisa Butinda June 16 1908. Nazimba mu kkubo ekkanisa Febuary 2 1908.
August 18. 1908, Tito Balikungu Yeebaka. Yali mukwano gwange nnyo nnyini.

September 1 Mukyala Ruda n'afa 1908. Twamuziika Sept 2. September 8 twasitula okugenda Hoima
Twasula Kyabalongo. Twasula Butala. We spent the night at Butala.Twasula Kuhanga. Twasula Pacwa. Twasula Kaigo. Twasula Kitemba. Twatuuka Hoima esawa 1 ½.
November 18 1908 Yosiya n'alwala nnyo. Nasula Mwenge, n'awona bulungi. November Mukyala Beka n'atuuka wano. Ne bantuma e Mboga January. Nasanga 1909 e Kanisa eri mu kisaka ,ne ngirima n'abakristayo n'abekanisa, n'okulima oluguudo lwe Kanisa. Navaayo June. Dec 25 nafuna ekikebe kya bwiino. Dec 10 B.T Johnson n'atuuka.

Ababatize bonna 3600
Ababatizibwa omwaka guno 387
Abayigiriza 128
Ekanisa zonna 43
Ebintu by'ekanisa 1600
mu sente 25

## 1909

May 5 1909 Yokana Kajunguta n'akyuka mu Bakatuliki. Nagendayo n'ampa Sappuli. Nagenda e Buleyi. Bagaana okukkiriza Kristo. May 13 1909 Nagenda e Bulega ewa bomera. Nasanga balina e Kanisa omusomesa Paul. February nagenda e Kibaale nababuulira Kristo. March 15 Nagenda Butanuka ne Bugoro. Nabatirizaayo abantu. Nagenda ne Kitagwnda nabatirizaayo abantu 19. Natuuka e Kitagwenda April 18, ne ntuuka e Ibanda. Nabatirizaayo omwana omu nga April 22. Omusomesa Yoweri Buniningirire. 15 July Bishop Tucker n'atuuka e Toro Kabarole. Bwe twava Mayonga twasula Mu Kiwanga., twasula Mityana. Twababuulira ku Masiya. Twasula Bimbye twasula wa Mikayiri. Twasula Kikoma twasula, Kukongola. Twasula Bufujo twasula Kitengule Twasula Munobwa twatuuka Kabarole.

## 1910

June 3 1910 Bishop n'atuuka e Toro Tucker. April 2 Bishop Willis n'atuuka e Toro. Yajja n'abamagali bokka 9. Twalaba kitalo. Waliwo n'omuzungu omulala. April 25, Ne muwerekera okumumazaako amasaza, nentwala owe gali omu. Matiya yatuuza Bishop. Yava e Toro n'egaali 11. Twamukomya Kitagwenda. Twasula Murukunya.

May 16. Nasitula ebakanisa nga bantumye mu Sinodi ye Buganda, nze, Andereya Sire, ne ntwala Tito Balikurungi. Bwetwava e Kabarole twasula

1. Kikibira. Bwetwavawo twasula
2. Butiti. Bwetwavawo twasula
3. Matiri. bwe twavawo twasula
4. Kasabunga. Bwetwavaawo twasula
5. Kikangara. Bwetwavaawo twasula
6. Wampuno. Bwetwavaawo twasula
7. Kokoma. Bwetwavaawo twasula
8. Mukyanga. Bwetwavaawo twasula
9. Mukinyenya. Bwetwavaawo twasula
10. Bujongoro. Bwetwavaawo twasula
11. Mityana. Bwetwavaawo twasula
12. Mu Kiwawu. bwe twavaawo twasula
13. Sumbwe. Enkya ne ntuuka
14. E Mengo. Twakyalako e Ntebe. Twalaba ennimiro ye miti nenju ne Gayaza. Twalaba abawala abayiga engeri ye Buddo. Twalabayo enju zabalenzi mwe basula.

June 15 1910, Nasitula Kabarole okugenda nabetissi 9, abakristayo 3. Nasula Rubona June 16. Twatuuka Butiti June 16. Twasangawo Azaly Mulazimba ne eseri A Sere. Twamalawo ennaku 4. Twasitula Butiti, twasula Matiri June 21. Twasangawo Alubato Kikulakuza.

Yatusanyukira nnyo nnyini. June 22, Twasula Kitonu. Twasangawo e Kanisa Miramaga naye yatusanyukira. June 23 Kibuye, Waluka, Kayoma. June 24, Mubende ate June 25, twasula Mukalunu ka Serumaga ate June 26, twasula Kiteko Mu Mailo.Nasuubira nti waaliwo omuyigiriza, twasnga agenze Kikoma. Abantu baawo nga tebanaba kuyiga bulungi. Twasula Lukonge. June 28 twasula Maddu.

## 1911

Mboga natuuka February 3 1911. Banziba January 30 1911.[3] Bakatwala Mugeye we kanisa n'olukoba ne bulangiti, n'ekooti ne jirikooti, ne ssaawa, netabaaza nekanzu. Banziba muno mu mwaka.

July 21 twasula Omuhau. twasula nze Apolo 15, Azaliya Mutazinda 10, Daniel 5. July 22 Muwamu. Awo wenasindika omupakasi ne tuwoza naye nnyo nnyini, ne tubasinga. June 23 Twasula Mityayala. June 26 twasula Bimbeye. June 27 twasula Kyagulwe omwa Mukayiri Rev B. June 28 twasula Kikoma. July 29 twasula Buswa omwa Dene. July 30 twasula Ekikangala. August 2 twasula Bufunjo Daniel Sebaggala

## 1912

Alisiya yajja munju yange nga muto mu mwaka 1903. Yawasibwa January 1912
J.J Wills Bishop Uganda n'atuuka e Buganda March 12 1912 e Mengo. Bamwaniriza nessanyu lingi nnyo. Twafuna omulabirizi J.J Willis. Baamussaako emikono okuba omulabirizi mu Bulya e Bungereza January 25 1912.

April - Nagenda okubuulira e Butulya Burungi Buzirya. May 2 Nasomesa abayigiriza e Toro. May 26 –Nagenda okubuulira Kagogo ne Ibade.

October 27th- Nagenda e Buhandi. Nabuulirira Buhungu ne Kitaka mu kanisa abantu 315. November 3 Nagenda Butulya ne mbuulira Nokwazi Busaiga ne tubuulira mu Kanisa ezo 3. Mwalimu abantu 315. November 18th Nagenda e Buganda abe kanisa bantuma okuyigiriza e Kanisa ye Nateete. Twasanyuka nnyo nnyini okuyingira e kanisa ya ba Minsani. Bwenava wano nasura Butiti. Bwe nava e Butiti nasula Kyegegwa. Bwenavaawo nasula Kyakasengula. Bwe nava awo nasula Mitiya. Enkya nentuuka e Mengo. Bwenakomawo nasula Mitiya. Bwenava awo nasula Mubende Omwegesa Zakaliya Samali. Bwe nava awo nasula Kiula. Bwe nava awo nasula Butiti.
Dec 9 enkya nentuuka Kabarole. December 23rd Ne ngenda Bugaro, twakungana mu kanisa abantu 222. Twakunganya ebintu bye Kanisa Rupiya 25-14 1/2. Nabuulira ku Yesu bweyazaalwa- lukka 2:1 okutulokola mu bibi ebyo.

June 29 1912, Nengenda e Buganda mu Sinodi. Bwe nava e Kabarole nasula Butiti. Bwenavaayo nasula Kyebadinga. Bwe navaawo nasula Mityana, Katakala.[4] Bwenavaawo nasula Mugongo. Nagenda e Ntebe. Dweki yanfumbira ekyemisana, nalya naye.
July 23, Nenva e Buganda nenkomawo e Toro. Nasula mu Kiwawu, nasula Bujonjoro, nasula Mukitetengesa. Yawora Mutengeza yanfumbira. Nasula Lweibou, nasula Butiti, natuuka Kabarole.

---

[3] Nyoro
[4] Today the church here is named Canon Apolo Kivebulaya.

August 24, Nabuulira Butanuka ne mbabuulira nti Mukama waffe ayagala abantu abalibeera naye mubukamabwe. Ne tujja e Bugolo mu Kanisa okusoma okubatizibwa.
September 6 1912 Bishop J.J Willis n'atuuka Toro, n'alya muwogo.

1913
January 18th 1913- E gaali Sultan nagyebereka. Yagula Ru 135 omuwendo gwayo 40. E nnamba 23472. Bantuma Kitagwenda January 1.1913. Ntara- twakungana bangi. Kiyagara – twakungana bangi. Lubunga twakungana bangi mu kanisa 180. Kagazi-twakungana bangi mu kanisa 150. Kyanuna Nyabuhika- twakungana bangi mu kanisa 60. Buzimba- twakungana bangi mu kanisa 80. Nagendako e Ibanda mu Nkore. Twali mu kanisa 250.

3rd May J.J Willis n'atuuka e Toro 1913. April 19 ne tuyingira mu ssomero e Buddo, abakadde bekanisa bonna baali 37. Ne tusomesebwa abazungu 5; omulabirizi, Sabadinkoni, Baskerville, Kasoni, Hezerekide, Blackgde. Abo batano. Twasomesebwa enaku 25 1913

June 30 1913- Bantuma e Butiti. Natuuka e Butiti July 23 on June.Nabuulira e Kanisa e Kasenyi. Twali mu kanisa 40. E Mitawa twakungana bangi mu kanisa 60. Kicwera twakungana bangi mu kanisa 20. Keya Amakwebira twakungana mu kanisa 30. Nabuulira abakristayo e Ndangora mu maka ga Rwabuhikre Tezira.

Bagamoze Yazaala;
Samaruru Musiramu
Juliya Nasunga
Sabina Nambi Mpapa

1. Bikongolo yazaala
2. Bagyante
3. Sebabenga

1. Lububuza yazala
2. Lwotowone

Kitabwe omu yabazaala
Asitaliko Sebowa Muzukulu wa Bagamose. Abo nze mbayita ba jjajange.
Senga Nambi- Mbayita ba ssengange
Gunanyuma yazaala Kato. Kato yazaala Tebajanga.
Kifa- maama tuli ba luganda.

Nakyalira bano: Yokana Mujasi, Yonasani Nuwamanya, Esiteri Minyire, Yakobo Kwanya, Nekodemo Mukoyo.Ekiro kyakabiri nabuulira Tomasi Bikibwa, Dorotiya, Alizabesi Kagumali, Yosiya Byakulombya, Eseri Musa, Wenkere Samuel, Kazinduka Eseza, Aloni Elisaba Lwabigo, Sezi Karyebala, Helena Matama, Yudesi Kyakubi.

August 26- Nabulira ekanisa Kaisunga Kitagweta, Kisansa, Eliya Kalumba Kaisunga
July 25 Nagenda e Buganda. Dr. Mukama yakomawo August 19. Buganda abazungu abalimi ne batuuka e Toro June 3rd 1913.

September 4th Ne ngenda okubuuza ab'oku Kanisa n'okubatiza. Kitagweta namalayo enaku 4. Twali 180, twasembera 24. September 8th Nagenda Kasenyi kyokka nabatiza omwana omu wa Zeboroni Kikukule. September 9th Natuuka Ngangi. Twakungana abegesa[5] n'abaKristayo. Twali 188. September 12th- Twarugayo[6] Ngangi Nahiika. Twali na[7] Lubato kukurakunya. Ruhanga yatukuuma.[8] Kyokka September 9th nendwala ennyindo mu lugendo bwe nali e Kasenyi. Abokwira Kitagweta bali 11. Ngugi abokwira bali 15. Butiti abokwira bali 16.

October 11th, Nasitula okulambula e kanisa. Twasitula ne Lubato Kikulakunya. Twasula Butara. Tukungana mu kanisa abantu 130. Bwetwava awo twasula Burara. Twakungana Mu gombolola, twali abantu 70. Bwetwava awo twasula Bufunyi. Twakungana Mu gombolola abantu 60. Bwetwava awo twasula Kigimba, twakungana mu kanisa abantu 60. Twasulayo ne tutuuka e Ngangi October 17. Nabatiza e Ngangi abantu 8. Nasembeza abantu 39. Twakungana mu kanisa abantu 260. Nabatiza October 19 era mu buli kifo nabuulira okunyikira okukkiriza kristo. Bwetwavayo ne tuyita Kyegegwa, ne tutuuka Kihamba. Twakungana mu kanisa abantu 130. Sasulayo natuka Kicumu. Bwetwavaayo netusula Matiri, enkya ne tutuuka Butiti. Oct. 22 Katonda yankuuma mu kkubo.

October 23rd, Nasitula Butiti okulambula abakristayo. Nasula Kitagwenda. Nabuulira ku Sunday. Nabatirizaayo nembulirako nti 'Munyikire mukkirize Kristo' Nasitula Kitagwenda. October 26. Nasula Mahani mu kkubo nakyalira Edward Eseri. Twakungana mu njuye nembabuulira abayima bonna nti 'omulimu gwammwe kuyigiriza abayima banammwe bonna. Nasula Mahani ewa nikodemo Musumba.Nabakunganya mu kiro nembabuulira nga bwensoose okuwandiika waggulu. Bwenava awo ne ntuuka e Nkoma. Nasula lutenta nabo nabakunganya ewa Nerasito Mupisi.

December 5. 1913- Nasitula okukima Mukyala Fulyer. Bwenava e Butiti natuuka Matiri nga tuli n'Amoni Bazira Mugema. Bwenavaawo natuuka Ngangi December 6th. Nabuuza abantu

---

[5] Runyoro-Rutoro
[6] Nyoro-we came back from.
[7] Nyoro - we were with**.**
[8] Nyoro- God guarded us.

ab'okubatizibwa. Netubaawo ku Sunday, nebabuulira. Enkya ne ngenda e Butoke Butono, nentuuka ne Kasule ewa Mugema. Nakomawo e Butiti mu kkubo natuuka ne Kasenyo Zabuloni. Nabuulira ku Yesu. Bibi Fulyer yatuuka e Butiti December 15th. Nentuuka e Kabarore December 16th.

1914
Bwe nalambula abaKristo ku luuyi lwe Toro ne Ankole mu Bahima. February 3 – Twasula Ku saza. Twabaawo n'abaKristayo mu nju. Enkya February 4 twasula Kaisunga. Twasanga omwegesa atutegerize. Nabatizaawo abaana 2. Twakungana mu kanisa. Nabuulira okunyiikira mu kusinza Yesu. February 5- Twasula Kaganga, nabatirizaawo omwana 1 owo Muhima. Nabuulira ku Kristo bwayagala abantu okuyingira mu diini ye. February 6- Twatuka Ngangi nga tuyita mu kkubo Karwenyi ne Kamutumi. Ngangi nabatirizaawo 5 mu kanisa enkulu. Feb 21- Nagenda Butara. Nasanga abantu bangi banindiridde ku kkubo; abasajja nabakyala n'abaana bonna baali 90. Ku Sunday twayigiriza abantu 207. Nabuulira mukama waffe bwayagala abangi mu ggulu. Nakomawo February 23. Nabategeeza okwekuuma mu mpisa embi.

March 18th 1914. Bazungu ne baaza Kabaka ne Katikkiro, n'abako omusango n'agusinga. Ne bakwata abantu bangi e Toro ku misango gy'amasanga. Ne Kategere Omuganda ne bamutta ng'alwanyisa abaserikale ba Gavana.

March 26- Nalambula e kanisa. Nasula Kitagweta March 27: Nasula Kasenyi. March 28 Nasula Ngange. March 29- Nayisa Ngangi. Twakungana mu Kanisa 210. March 30- Nasula Butoke Butara. Twakungana mu nju 45. March 31- Natuka Kasule. Twakungana mu nju 35, Baganda bokka. April 1- Nasula Mugega. Twakungana mu kanisa 45. Apuli 1 Natuka Kibanja. Twakungana mu kanisa 70. April 1- Nasula Kyakabimba. Twakungana mu kanisa 49. April 2- Natuuka Kigimba. Twakungaana mu kanisa 78. April 2- Nasula Mwakatanga Kisarira. April 3 Nasula Kitagweta. April 4- Natuuka Butiti. E kanisa zenalabikamu nabuulira nti 'Mukama waffe ayagala abantu bangi okumukkiriza. Ate mwekume okukola obulungi, mube n'amaanyi mu kukkiriza.'

April 25th Nagenda Kitagweta okusembeza ku meeza. Nakaburira nti 'Mugume mu Yesu, alibata nenjuba' Gwali musana mungi. Nasaba enkuba n'etonyerawo mangu.
Bwatyo Katonda n'ankoza ekitalo ekyo.

July 29- Nasitula nengenda. Buganda e Mengo mu lukiiko olubunya enjiri mu bamawanga, twatuula babiri; omukazi omu n'omusajja omu Mubukendi. Nze Apolo nasitula okugenda mu lukiiko olwa July 29. Nasula Kakobora, nasula Butooke butono, Nasula Muliya Namukozi esaawa 9. Nakyalako Namutamba ewa Samsom Gada. Nabuulira ku Yesu bwayagala abantu okumukkiriza, August. 2. 1914.

September 11th Nalambula e kanisa Kitagweta. Bakungana bangi mu Kanisa. September 13th- Nababuulira ensi enungi bweri Katonda gyayagala okutuwa. Nabatirizaayo. September 14th- Nentuuka e Ngangi. September 20th- ne bakungaana mu kanisa. Nembatirizaayo, ne mbakakasa mu kuzuukira kwa mazzi kube ekkubo. September 26- Ne ngenda e Butara. Sept 27- ne bakungana bangi mu kanisa empya gye bazimba. Nabatirizaayo, nembabuulira Yesu bweyagenda okututeekerateekera ekifo mu ggulu, mu nsi enungi. Abatuukirivu balituukayo,

abatali tebalituukayo. Nabuulira nti 'Musaanye mmwe ab kristo okuba abakulu ba bahima. Kale Munyiikire mukkirize, muyigirize naba hima banammwe. October 28 we nakoma ne nkomawo, ne ntuuka e Nkoma mu Mailo yekanisa, mukulu wayo Mupisi. Okuva e Kitagweta osomoka omugga Buzaro, n'otuuka kikumbo nsi, no'tuuka Butumu, n'otuuka ku nsozi; Katalibuka Lusozi Mpara Lusozi Katalibwa, Zakayo Musana w'azimba. Bwovawo Zakayo n'osomoka Karuma, n'otuuka Kigunga, n'otuuka Mahani Lusozi, n'otuuka Nkoma Lusozi. Nasala omugga Kakumbo natuuka ku mwalo, Lusozi Sukoto. Natuuka kabala nsi, nsozi nnyingi. Natuuka Misindo omwa Festo Lwebyaro.

October 20th J.J Willis natuuka Uganda. Twasaba nnyo nnyini Katonda okumukuuma mu kkubo olwabalabe abali mu kkubo. Mu mwaka 1914 October. November 14 nengenda e Butara okusembeza. Nabuulira ne nkomawo Nov 16. 1914, November 22, Nagenda Muhange okubuulira. Nababuulira ku Yesu bwayagala abantu okumikkiriza, bwalina kisa ekingi. Nasulayo. Dec 2 ne nengenda e Ngongi. Nabatirizaayo I went to Ngongi. Dec 6 Nakoma Butiti.

## 1915

February 1 Nagenda e Buganda mu lukiiko olubunya enjiri mu mawanga. Nakomawo Feb 9 e Butiti. Feb 12 Omulabirizi J.J Willis n'atuuka Butiti nga essaawa 12 1915. Feb 17 Namuwerekerako, n'asula Bukasesebe ewa Tomasi Kikukule. Enoka Mpimba yambeera. Nafumbira omulabirizi emmere. Semani Kagaja yeyatandika e mmeeza n'asumaama. Feb 17: Nasula wa Yakobo Sahiri Lujaga, Muhima. Twakungana mu kiraalo ne mbabuulira okwekuuma Sabiti Za Mukama Katonda.
March 13 Nagenda e Butara ne nsembeza ku meeza ya Mukama 42. Nababuulira. March 15 Nasula Mbale. Enkya navaayo. March 17 Nalambula e Kanisa nensula Katalibwa. Ne ndwala ekizimba. Kyamala enaku ku bulago.
Ne nvaayo mu kiro nentuuka Kitagweta. Ne tuwulira March 20 nti Basimasi Musana yatuuka n'omuguwa. Enkya n'eba Sunday ne tukungaana bangi mu kanisa era ne basembera ku mmeeza 28. Kwaliko enkuba nnyingi neziyiza abantu. March 22 Nenvaayo e Kitagweta ne mpita Mpunda Lasito Kabola ne Sadulaka Zahu. Ne ntuuka Lwamugugu nensula ewa Sitaliko Kabyanga, ne nsaba nabo. Nababuulira okwekuuma sabiiti. Ne ntuuka e Butiti March 23.
April 11 Nakyalira e Kanisa y'eKasenyi ewa Paulo Bitaraho. Bakungana bangi mu Kanisa. Nababuulira okunyiikira kubyediini n'okukwata kwerongoza. April 22 Nalambula e Kanisa N'abakristayo. Sasula Sirasi Kijere. Nabasolooza wamu mu Kisenge kyenjuye. Nababuulira okunyiikira. nava awo nasula wa Musoni Lwakaikara. Nenvaayo ne ntuuka ewa Tamali Katabarwe. Enkya n'eba sabiiti, ne bakungaana bangi. Nababuulira okunyiikira okukwata okukkiriza okututukuvu. April 26 Ne ntuuka e Butiti.
June 15 Nasitula okugenda e Buganda Mu sinodi Nagenda ne Yonasani Serwanga, Petero Banagaija, Elyeza Bagamba. Nasitula Butokebuto, nasula Namutamba. June 17 nentuuka e Mengo. Twakungana mu Sinodi, June 22/23/24. June 25 twatuma Rene, Yoswa Kiwawu n'abayigiriza abalala Nasizi. June 27 nali Buddo mu ssomero. Nababuulira Baluumi 15:1. Nenva Abuda nentuuka Namutamba, nentuuka Buto Butara, nentuuka Lweibale. Rev. Yosiya ng'alwadde nnyo. Nentuuka e Butiti July 30 netulonda Ankusato ne Butara lwomuluka.
1915 Ku August 4 nasitula okulambula e Kanisa nabakristayo. Nava e Butiti 4 August. Nasula Mukiralo Seji Isoke. Nabakunganya mu biraalo 2. Nasaba nabo nembuulira. Enkya nasitula e kifo Bwaise. Nempita mu kiraalo Yohana Kakabugo. Nembasolooza mu biro 2 netusaba.

Nembuulira abaima. Saasula ne ntuuka Mpala ne nsaba nabo mu kanisa n'omuyigiriza Yoswa Byabafumu. Nababuulira okunyiikira mu kukkiriza.
August 6 Ne ntuuka e Kitagweta netuba mu lukiiko lwe Kanisa okuteesa ku lupiiya za abayigiriza. Twakungaana bangi. August 8 ku Sunday ne tusembera ku meeza entukuvu. Nembatiza abantu 6. August 9 Nentuuka Obufunyo ne tukungaana mu Kanisa, ne mbatiza abantu 2. August 13 nababuulira Katonda bwatwagala. Nayigiriza Erisa Mandiba. August 13 Ne ntuuka Burara. Ne tukungaana mu Kanisa ku Sunday August 15. Nembatiza abantu 3, ne mbabuulira nti Katonda omwoyo yawandiisa ebyawandikibwa bye yawandiika byonna byatuukirira mu kitabo kya Baibuli. 'Mukisome munaalaba byonna byonna'. Nentuuka Butiti August 16. August 28 nabuulira e Kanisa Lusaka. Sept 19 Nagenda e Butaro n'abakristayo.

October 22 1915 Yona uboya omutala Namagera. Nazalibwa ku Lutabaalo lwa Pokino Mukasa lwe Busongora. Lwandeka nzaliddwa. Kitange Samuel Kisawuzi Ssalongo Kisawuzi wa nvuma. N'anzaala nalongo Tezira Singa Badda owe ngabi omwana wabalangira. Sawummula. Katonda yantuma e Mboga ne siwummula okumukolera omulimu gwe ogwokukyusa emitima gya bantu bamuwulire. Butiti Navaayo, Dec 9, nentuuka Kabarole. Ne bantuma e Mboga. Nasula Wanka Dec 10. Dec 11 Nasula Kibuku ne Isaka Mabita akalwala[9] omupakasi. Dec 12 Tukalala[10] Mutoroko mu ddungu. Dec 13 natuuka e Mboga. Bansanyukira nnyo bangi, 100 abajja mu kkubo okunsinsinkana ne Paulo yaliwo. Dec 14 ne tusembera mu Kanisa e Mboga. Dec 27 Nenva e Mboga nasula ku nnyanja Semulik ewa Yosuwa Byaragaba. Nasula Busaiga Dec 28. Ne ntuuka Kabarole ne ntuuka Dec 29.

## 1916

Nasitula Kabarole nasula Busaiga, Jan 4. Nasula Butuka, Jan 5. Nentuuka e Mboga Jan 6. January 2. Abazungu ababirigi nebatuuka e Mboga. Sulemani kalemere yantumira ku January 10 okunvuma n'okundoopa mu bazungu aba Birigi nti 'Apolo agambye nti ensi Ye Mboga ya Bangereza.'

April 5. Kalemesa n'akwata Maliyamu Bomero n'amuwa mu bazungu ababirigi, bwe baamusaba omukazi owokuwasa.

April 28. Nagenda Toro Kabarole okulaba omulabirizi. Omulabirizi yatuuka May 1 mu Kabarole mu Kabarole n'assaako ku May 3 Aza Mutazinda e mikono gyokuwereeza. Twasanyukira Mukama. Natuuka e Mboga May 8.

June. Nasitula e Mboga ne ngenda e Buganda ne nsula Butuka. Natuuka Wasa. Natuuka Kabarole. Nasula Butiti, nasula Kazizi. Nasula Mubende, nasula Kasule, nasula Mubende, nasula Namutamba, natuuka e Mengo.

July 22. Natuuka e Buddo abazungu baali J.J Willis Mulabirizi we Buganda, Sabadinkoni Basikavero owe Bugnda, Sabadinkoni we Busoga Bakery, Daniel omukulu wessomero, Salingi. Abakadde baali 36. July 31. Nasula Ku Mengo. Nasula Mubende, nasula Kicumu, nasula Butiti, nasula Kabarole, nasula Nyabusongo, nasula Busiga. August 19 omulenzi wange Karuhanga n'alwala nnyo. Katonda n'ambeera n'asuuka. Ne ntuuka e Mboga August

[9] Nyoro - getting sick
[10] **Nyoro**- sleeping.

21 1916. Mu July ne nfuna e bbaluwa nti e Mboga eguddeyo olumbe luri abantu 39 e Kyansonga. Nasanga bafudde kawumpuli.

April 19th. Ne tugenda e Buganda. Abakadde bonna twali 36 netuyigirizibwa Willis Mulabirizi, Sabadinkoni Baskavero, Kanoni Hezekede Blackledge. Twava e Toro ku yo, Kamuhigi Runx nomuwerezawanga Petero Banagaija, ffenna abakadde Abafirika Uganda. G.K Baskervell n'atuuka e Butiti.

Nasimba emiti e Mboga kalitunsi nensambya September 2nd 1916. Ali ku kanisa Mboga Sept 13. Paulo Tabaro n'alwala nnyo Ibruhaim n'asula omumwe. Yasooka August okulwala.

October 18th - Omukatoliki n'akuba mailo Kyakasula e Mboga.

Enyona Yazalwa 1916. Enyona yabatizibwa Geresomu Balikurungi ku lwa lupiiya 37. Enyona yakyatimba gyaguze.

December 26th. Nasitula nasula Kibuku. 27 natuuka Kabarole. Twakungana mu lukiiko, twatuna abegesa e Bwamba. December 30 twasanyuka nnyo ate January 2 nakomawo 1917 e Mboga.

## 1917

January 1st 1917. Rev. Lloyd nambuuza byenanyumya ne Kabaka D. Chwa e Buganda. Ne munyumiza ebyensi yaba Birigi Congo bwe banywa amazzi oba bwe boonona mu migga. Ate ne munyumiza abantu abayonsa embwa. Ate bwenayogera nti 'Maraki si mubi singa teyewangiriza omulimu gw'okubatiza, singa yabuulira bubuulizi, teyakubadde mubi' Ate n'omusajja eyafaako n'adda engulu, n'abuullira banne ebya Katonda okussokera ku Adam okutuuka Kristo. Lloyd yabuuza ng'anakuwadde nnyo. Nasanga abantu n'omwami wabwe nga balagidde okulagulwa. Nanakuwal nnyo nnyini ate nensaba katonda awamu n'abaKristo bayo twasaba bwetutyo nti: Ayi katonda tunulira ffe abanaku abatalina kabaka mu nsi eno eye Congo era otugyeko kabaka ono omubi ennyo. Sso tolwawo kutubeera.'

Ate olulala ne tusaba nti 'Ayi Katonda kitaffe n'omwana n'omwoyo omutukuvu, tuteeka omuntu oyo mu mukonogwo. Mukole kyogonza, oba kumuggyawo, oba kumukyusa wotomuziyize. Anatta bangi oba anzikiriz abangi. Bwatyo katonda omwana n'omwoyo yatubeera omwami kalemesa n'afa mangu. Twasaba okumala omwaka 1916 okutuusa ku mwezi gwa augusito, n'alwala n'afa. Ne tufuna mukiseera ekyo Kabaka omukristayo. N'oli eyafa yali mukristayo kyokka n'akwata empisa za sitani bwetutyo Kokolo abantu. Bakyuse bangi, basoma bulungi era benemya mu bibi byabwe. Kale katonda yatubeera yekka.

April 12 1917, nagenda e Bulei okuzimba e Kanisa. April 27 nakomawo e mboga nga e Bulei tumaze okusima ebinnya, nemangi nga tuzimaze, n'ekibanja nga kiwedde okulima.
Jun 7th; Omusosodoti owamagezi gensi najja n'agamba nti ediini yaba protestant yabulimba ate n'awaayira ekigambo nti 'Apolo Kivebulaya yatumwa Kabaka, sib a Minsani. Kale mutegeere obulimba bwebutyo, amazima mwegali mu ye? Temuli. Ebigambo ebyo yabyogera n'abaami b'e Mboga bonna; Enoka Tabaro ne Nyabong e Bulei.

July 10th. Ne tugenda Toro mu kukungana kwabegesa. Twasula Mubuga. July 11 twasula Wanka. July 12, twatuuka Butinda. July 13 ne tuwulira nti Banyamboga bakyuse okusoma ekikatoliki kye roma. Ne tusibuula. July 25 netusula wasa Mubugo. Ne tutuuka.

E Mboga twasanga omwami Enoka yakyuse mu Kikatuliki kye Roma yekka. Kale netubabeera nnyo nnyini okubabeera okubagumya emyoyo ate July nendowooza nnyo okumala enaku munaana. Nabuuliranga mu kanisa n'okugumikirizanga kwokka Katonda owekisa anatubeera okutuggyako ekinene kino yekka.

August 13, nagenda e Toro nensanga olukiiko nga lukungamye. August 15 netulumala bulungi nengenda e Butinda.

September 18, nentuma abayigiriza e Bulei samusoni kabururu, n Felaimu diti okukola omulimu gwa katonda omuyinza webintu byonna yanayinzisa omulimu. Kubanga Mukama alaba okweraalikira kwange kubanga seetaaga kintu. Bwenabanga netaaga n'ampa. Okwetaaga kwange kwe kuno; okuba n'obuyinza obwokuleeta abantu eri Isa Masiya era n'okutuuka mu bulamu obutagwaawo. Obwo yabumpa. Kale nno obwo yabumpa.

April 19, Ne tugenda e Buganda. Abakadde twali 36. Ne tuyigirizibwa J.J Willis Omulabirizi, Sabadinkoni Basikaveri, Kanoni Hezekere Blackledge. Twava e Toro Komuhigi Runx. Sere n'omuweereza wange Petero Banagaija. Twavaayo may 6 e Buddo gye twali fenna abakadde Abafirika- Uganda.
Henure Bawumlye
Sabadinkoni Rev. G.K. Baskerville
Eriya Kirege
Eryeza Ndibekanyawa
Bulasio Ns Mukungu
Jan 28 G.K Baskavell n'atuuka

| | | |
|---|---|---|
| Abasoma okubatizibwa | 235 | |
| Butiti ababatizibwa | abakulu | 93 |
| Abato | | 26 |
| Ekanisa | | 17 |

November 5th 1917. Nagenda e Rumu mu kibuga kyabazungu e Congo ababirigi okumpa ebbaluwa eyokumpa obuyinza bwabwe nabo. Katonda N'ambeera ne banzikiriza n'essanyu. Bwenava e Mboga nasula wa Mugenyi Mububa. Nabatirizaawo abaana ba Erisa ne Maryamu mukaziwe. Lambuba nababatiza.
November 5 1917. Bwe nava awo nasula nasula wa Kirimani mu Mbuba. November 6 ntuuka e Rumu. November 6 nasulayo kamanda kamusire n'ampa e bbaluwa, ne nkomawo. Nasula wa Kirimani. Bwe nava awo nasula wa kirimani mu mbuba. Bwe nava awo nentuuka e Mboga. November 9, 1917 awaisi wenasanga omukazi mubatize Zipolo. Mu Mboga natuuka bulungi, ne tusaba. Naye bano aba Mbuba babatizibwa nga bakola nga baddue mboga. Betaaga okubuulirirwa ebikigambo bya Katonda.

December 2 nalwala ekiro nensesema ku mbugo zonna. Twazooza kiro. Serwazanga mu ngeri eyo era waliiwo nokusembera. December 27. Nasitula okugenda mu lukiiko e Toro olwe ttwale. Nakomawo e Mboga.

## 1918

Jan 4- Nafumitimwa omuti mu kugulu. Lwanfumitira Kanyambelo Toro omusawo n'alubagaamu n'aluggyamu. J.L.S Sharp yeyambaaga.
Jan 5th- Ibrahim Katalidaho yalwala mutwe. 11th – Isaaka Aliguma yalwala kizimba, n'okutu kwazimba. January 24 1918, nentuuuka e Mboga ate Rev A Lloyd n'atukyalira wamu ne J.L.S Sharp. Nebatuuka e Mboga.

Feb 12th Yohana Kasule Yalwala mubiri n'omutwe. Feb 12 Alizabesi Luhubya yalwala ekifuba kimuluma nnyo. Nze nalwala ekizimba mu mutwe nokumalako omwezi. March 1st Nalwala ebizimba ku mukono, ebizimba 6 wamu ku nkoona wokka. Sebakanga nalekera ayinza byonna. Iburahim Katalibara February n'awona. Ayinza byonna n'amubeera.

April 8: Nenganda Wakituku okumusaba olusa okumpa ebbanga okuyigiriza abantube. N'agaana ng'atya Musosodoti obutamuloopa mu ba Babirigi baleke okumugoba mu bwamibwe.

June 3- Ne tugenda e Toro. Bwe twava e Mboga netusula Kibuku. Bwe twava awo nga June 4 ne tutuuka e Toro, omulabirizi n'atuuka June 7. June 20 ne tuvayo e Toro ne tususa Mu lurembo Owalwabago Isaya. Nyarubona. Nalwala netuddayo e Toro June 27. Nafuna ebbaluwa nti abayigiriza babakubye. Ne Isaka nebamukuba enkoba. Bweyamala okumukubira wano enkoba ezo n'amutwala e Bulumu n'omuzungu naye n'ayongera okumukuba kubanga. Enoka ye yasooka okumuloopa eri omuzungu nti 'oyo yajeema, tawulira'. Awo omuzungu n'ayita Isaaka n'amugamba nti 'ddayo e wammwe'. Ne Isaaka naye n'avaayo n'atuuka e Mboga July 2. Nasanga ng'avudde e Toro kubanga navaayo June 28. Netusula e Busanga. Bwetwava awo ne tusula ku nnyanja. Enkya ne tuvaayo essaawa 4. Ne tutuuka e Mboga e ssaawa 12.

Ne tusanga bakaaba ku lwa Isaaka bwebamutwala e Bulumu ate Isaaka n'akomawo e Bulumi July 27 1918. Nyoka omuzungu n'atuuka ku kwempaka zaffe, n'atuwoza mu maasoge ffe abayigiriza okutukuba so nga tuyigiriza ediini ya Ya Mukama waffe Yesu. Nze ne Isaaka Aliguma ne tuwoza ebyaffe, kale Katonda naasala wakati waffe ne Enoka. Nze nawoza bwenti 'Yakwata abayigiriza n'abasiba mu kolokooni, Isaaka n'amukuba emiggo 60 ate n'amutwala e Rumu n'amukuba emiggo 12 ate ne bamuta n'akomawo ewaffe.
Ate Isaaka n'awoza bwati 'Teyannanga bupakasi. Sitekangako Kabaka mu Mbulamatali akwata ensi. Ndi muyigiriza gwe mulimu gwange okuva edda. Ono yannanga gwa mukazi. Namukwata n'omukazi ng'ayenda naye wa Mukamusajja Hamu omukazi'. Kale Omuzungu nayita abajulirirwa abaalaba ng'akuba Isaaka emiggo 60. Bwe twajulira ffe Isaaka nange Lwamigo, Ndyanabo Mika, bonna baddamu nti 'twalaba emiggo e mingi, bwentyo tetwabala.'

Omuzungu Nyoka Enoka n'amala n'asiba ebintu. July 28 nagenda e Irumu yali kamanda amutumye okuwulira ensonga zaffe. Kamanda ye mukulu we Irumu. Nyoka yatuuka yekka mu kifo kyekanisa, n'atuuka ku nju yange na'giraba nga mbayigiriza. N'agalaba n'alaba n'ekanisa yaffe yekka. August 16 Zitoni najja ku kanisa e Mboga n'alaba enju yange ate August 18 nagenda gyali. Nabuuza ebigambo bye mpaka zaffe ne Nyoka. Omwami yangamba nti 'bw'oba n'ekigambo buzanga.' Julai 26, Omuzungu Nyoka Natumibwa gyendi

okumpozesa omusango ogwokukuba abegesa[11] abe Mboga. Isaka Aliguma. Ebyava mubyo Katonda yatuwa e dembe nebatugamba nti omuntu yena abensi Tabakwatangako. Omubaka mulala omuzungu Zitoni Wengiti yeyategeza abami bwatyo yatuwa e dembe mu August 16, 1918.

### 1919

Abe Mboga nga bwe bajj mu nsi muno

1. Adi yaba
2. Mugarura
3. Kikabuzi
4. Cwa
5. Singoma
6. Obendi
7. Obendi
8. Nguba
9. Tabaro
10. Mwami
11. Bwohe azaala P. Tabaro
12. Bagamba Kitumbwayo
13. Paulo Tabaro Kalemesa okujja musiraamu Musombwa Yaja ku Paulo Tabaro ng'omukuza
14. Kalemesa
15. Munemi Enoka 11
16. Tabaro Paulo Mukama 111

Mu January nenkomawo e Toro. Luziya Bahigama ne Juliya omwanawe ne bakomyawo Aberi Bahigamu. Luziya yamumpa okumutwala e Toro okumuleka eyo kubanga Luziya yali mulwadde nga yakamalira emyaka 3 era ngawedde ku magumba. Namuzza nga agenze bulungi nnyo. Ba nnyina baasanyuka nnyo nnyini. Ku January nentandika okusomesa e kanisa e Mboga. Katonda n'atuwa omukisa mu kiseera ekyo abantu ne bajja bangi nnyo nnyini okusoma era n'okuwandiika ku mayinja ne ku mpapula. Nakyo Katonda ye yatukolera bulungi okutusindikira abantu mu diini ye.

March 8 Kitoko Nubirigi natuuka e Mboga. March 8 Kituku natuuka munju yange. March 27 Mutoto wa Mbulamatari n'ajja okulaba e Kanisa ne tumulambuza. N'atubuuza ebirimibwa n'abantu bwebasoma; bangi oba batono. Ne tumuddamu nti bangi abaana n'abakulu, n'okulima tutandise kakaano. N'abuuza nti 'Ono yeyazimba ekanisa eno?' ne nziramu nti 'ye'. Baali abazungu babiri, bajja lwaggulo essaawa 11 ½.

1919 May 12 Nasitula olugendo olwokugenda e Toro okutwala abantu 20 abokuwebwa Kafamasiyo oba okutekebwako e mikono omulabirizi owa Uganda. Mu lugendo olwo Katonda yannyamba nnyo nnyini obutalwala, obutasinda era obutakubwa nkuba mu kkubo era obutalaba kabi konna aka Sitaani ng'okuyomba oba ebirala sitaani by'aleeta. Ate tetwasangamu nsolo mu kkubo mwetwayita, olulala Katonda naleeta omuyaga ogwamaanyi

[11] Nyoro - teachers

nazitwala. Awatali kabi. N'ebisolo tetwabiraba mu kkubo. Katonda kitaffe n'omwana Kristo Yesu n'omwoyo omutukuvu bebazibwe nnyo mwatukuuma mu bisulo mwetwasulanga byali bibira. Bwe twava e Mboga twawunguka guyanja May 12 Semiliki. Ne tusula Bwelamule May 13. Netuva Bwelamule ne tusula e Tojo. May 14 ne tuva e Tojo ne tusula e Ngeme. May 15 ne tuva e Ngeme ne tutuuka Kabarole ne tusula. Mu kkubo ne tumalamu ennaku 6. Omulabirizi n'atuuka e Kabarole n'ateekako emikono May 26. Ne tusula e Tojo May 27 ne tuva e Tojo ne tusula mu Kirimbi. May 28 ne tutuuka e Mboga enya, mu mirembe. Ne tusanga byonna birungi.

Zitoni June 28 1919 n'atuuka e Mboga, ne mmuwa omusolo. June 28 nasemeza ebigambo mu kifo e Mboga, n'aggyamu abafuruki. Kyokka twamunyiigira obutatuwa so nga zonna zaffe. Nti mu kifo e Mboga mwafulukamu abantu basatu ne badda mu bibanja bya bali. Natandika okuzimba essomero October 3 1919. Nasimba empagi Octber 12. Namala okuzimba October 31. Kale abapakasi baali 10, buli omu yatwala e falanga 6. Mulabye okusimba emiti bwekwanguya omulimu era bwekukendeeza ku zo? Sso nga zandibadde ku 70.

Petero Kamihanda yali agenda okufa n'alaamira e kanisa okugiwa ennume yente Bweya. Nebatuwa kuzo, ze falanga 60. Mulabye, Omukristayo ne bwafa teyerabira Katonda eyamutonda. Kale betegekere okutonera Katonda.

November 18 1919 nagenda e Toro. Nasitula Ku Mboga November 10. Nasula Kibuku. Nava Kibuku nentuuka Kabarole November 11. November 12 Rev. A. Lloyd n'atuuka e Toro. Russell navaayo agenda Ankole ate November nenvaayo e Kabarole, ne nsula Busiga. Nava e Busiga November 15 nentuuka e Bureyi. November 16 nensomesa e Bureyi ku Sunday. Twali 69 ne Kitoko omwana wa Nyabongo. Yajja mu kanisa yaffe e Bureyi eya ba protestant. November 17 nenva e Buleyi nentuuka e Mboga. Rev. A Lloyd yatukyalira natuyingiza e ssomero lye twazimba. 1920 October 3 ne tuyingira. Rev A. Lloyd yatuuka 1. 8.20 e Mboga.

## 1920

January 1 nengenda e Toro Kabarole. Nagaruka Mboga.
February 26 Paul Muse yatuuka e Mboga. February 29 yagenda Bureyi Lwebagyo. Najja mu Kanisa okuliwa. Yava mu nvuba yabazungu n'atuuka Burei February 27 1920.
Rev. Paul Mude yaddayo Bunyoro March 4. August 28 ne ngenda e Toro okulaba Lloyd, nannyumiza bwe yayogera n'ababirigi ku ssomero lye Mboga, obulungi okutuwa ebintu.
September 4 nenkomawo e Mboga. September 28 ne nfuna e bbaluwa nti 'genda e Rumu' Ebbaluwa Rev. Lloyd bweyatutuukako, September 30 ne nsitula nengenda e Rumu okulaba Kamusere. September[12] 2 nentuuka e Rumu ne nnyumya n'omuzungu omukulu ku ssomero e Mboga, n'ampa empapula 277, ne nnoni ewandiika ku mbaawo 136 n'ekalaamu enkalu 6.
Sept 3 Nensitulayo e Rumu nentuuka e Mboga.
October 21 Netutuma abegesa (Nyoro- teachers} 2; Bulega owa Kasolo, Samson Kahuliru Yusufu Kajakwanya

[12] October

October 27, twakungaaana mu ssomero e Mboga Okuyingiza ebintu Bulamatali[13] byatuwadde e byessomero. Enoka, Paulo, Zakayo baaliwo n'abakyala. Charles G. Hurlbert omuzungu omwamerika gwe yatuma.
December 12- J. Pretonius yasaba naffe mu Kanisa.

## 1921

March 26 1921, Ne watuuka omuzungu owa Church Mission ne tusaba naye mu Kanisa oluliranye olwokuzuukira. Zitoni omukulu wetwaale n'ayingira mu ssomero lyaffe. April 18 1921, Kamusere n'atuuka, omuzungu owekitibwa, n'ayigira mu ssomero Mboga, n'atusuubiza okutubeeranga mu bintu bye ssomero. Yafugiranga ddala e Rumu n'atuuka kugaluka.[14] April 18 Kamusere n'atugamba okutuwa olubaawo lwessomero, n'alambula ekifo n'akisiima.
April nenfuna ebbaluwa ya Rev A Lloyd egamba nti 'Nsaliddwa obutaja Mboga kyokka mbadde njagala ekanisa ye mboga okufuuka eya maanyi nokutwala enjiri mu bugwanjuba'. Bwe nasoma ekyo nendowooza nti Katonda atuyise okubuulira enjiri mu bugwanjuba Mboga.
1921 Natwala abayigiriza April 21 Mu kibira mu Bambuba mwa Mugenyi, Ezira Muyobyo, Kamega, Edward K. Bakyataho ate Yasoni Kagulumu yatwala abayigiriza mu kibira owa Banyanjalo, Yosiya Kabusewa, Yafesi, Dan Bamuhiga. Ne tutandika okusomesa Bahahuka nababuba. April 22 ne tubawandiika mu bitabo byaffe, Katonda nga atutumye mu bo. Nabo ne bakkiriza mangu ebigambo byetwabatwalira mu nsi yabwe Buhumba n'abahuku. April 29 Nagenda Bacoha ewa Misago okutwala Semeyi Lozeriso Mu bahumba. April 30 nenkomawo, ne tusaba Katonda atuwe omukisa mu kuddamu okwabantube, nawulira, nabaddamu nessanyu lingi.
May 8 Ekiro nendwala omusujja gw'omukibira era Katonda ankoza emirimu gye n'ambeera, ne mpona mangu, ne ngenda mu mirimu gye, n'omulenzi wange Tomasi Dauda twalala wamu. May 5 Nempona omusujja, Katonda n'ambeera nnyo. May 28 Ne ngenda Bulei okubuulirayo ku sabiiti.

June 9 netugenda mu kibira ewa Banyanjawo, ne tuwandiika. Nga June 10 twavaayo ne tuyita ewa Misanga ne tugenda Wajoji.
June 11 ne tutuuka ewa Abembi Bunungire, Ne bansaba omuyigiriza. June 12 ne tusimba empagi ku ssomero ewa Mugenyi. Katonda nasooka okutulaga ekitibwakye mu kibira ngekanisa eyimuka.
Twasanyuka okulabako e kanisa Mu Bahumba. June 13 ne tusemba wa Kamego. Kale Katonda ye mubeezi waffe, ne tutuuka Kalimugole, nensaba nabo. Kyekyo Katonda kyatulaga mu buyinzabwe atuwe ai kitaffe okuwangula Abahumba, abafuge, babe bantube. Ne ntwala ebbaluwa, nengisoma mu ssomero omuli abalenzi n'abawala. Nalabirawo nga bayimuka nti 'tunagenda' Kale omwoyo omutukuvu bwe yatukulembera bwatyo, sso nga tusabira bulijjo ensi ezo. Kaakati tulina 9 ebifo. Mu bugwanjuba yonna tulina 12. 1921 omwaka ogwo

[13] Popular name of Belgian regime.
[14] Nyoro- leaving.

11 October 1921, nababulirako mukama waffe bw'atwagala fenna. Twasaba ffenna wamu n'abetissi baffe. Nababuulira ku Masiya bwe yatufiirira fenna. Nze ne Andereya twababuulira Katonda bwatuwa obulamu fenna. Twababuulira nti 'Munyiiikire nnyo okukkiriza mukama waffe. Twababuulira nze ne Andereya nti Kitaffe Katonda ayagala abatukuvu. Twasaba n'abetissi baffe. Nababuulira bwetuli aboluganda wamu ne Yesu- Mat 24:9; e ddiini zonna okusoma, okubala, okulima, okufumba, olungereza, okuyimba kwe diini. Abayiga olungereza ne Baibuli, n'okusamba omupiira n'okubala n'okulima.

### Letters

One of the few remaining letters from Kivebulaya, and a letter to him from Batulumayo Musoke Zimbe who was secretary of the diocesan synod in 1916.

Butiti<br>Toro<br>November 8 1915

Ya Bakadde Be kanisa, Mutya nno ba ssebo?

Mmaze okusaba olukiiko lw'obulabirizi okuwummula mu mwaka 1916, ne lumpandiikira ebbaluwa y'ekisa, nerunzikiriza okuwummula. Nange mpandikidde abakadde b'ekanisa nti ndituuka mu bifo mwe mukola emirimu, okubalabako mwenna mu mwaka 1916, abakadde abazungu n'abaganda.

Ndituuka mu matwale ng'omulabirizi bwe yagasala; Bunyoro, Gishu, Bukedi, Bulemezi, Singo, Buddu, Mengo, Kabulondo, Busoga, mu buli kifo awali amakanda. Ndituukawo Katonda bw'alyagala. Kye kinjagaza okuwummula okulaba nu mawanga.

Nze nasooka okugenda mu ggwanga lye Toro September 9 1895, n'okutuusa kaakano nkyakola. Bankwatako emirundi 2.

Mweraba,
Bye

Nze Apolo Kivebulaya.

Namirembe<br>January 18, 1916

Rev Apolo Kivebulaya, otya nno munaffe? Era olukiiko lw'obulabirizi lukukulisizza nnyo omwaka guno ogwagwaako. Mukama yakukuuuma bulungi ng'akukulembera ye mu byakola mu buweerezabwo nga bwe yakutuma.
Nate nebakwebaza nnyo emirimu gye wakolera emyaka 20 mu Toro. Nate bakusiima nnyo ekigambo kye wateesa mu mwoyo gwo, ng'olina okufumitiriza n'okwagala okulokola abantu.
Kyenkana ne ky'omutume Petero Bik. 10:19. Naawe omwoyo omutukuvu bwe yakujjira bwatyo mu mwoyo gwo, kye wava oteesa bwotyo, n'ogaaana okuwummula omwaka ogwo,

abolukiiko lw’obulabirizi gwe baali bakuwadde okuguwummula. Kya kitibwa mu mulimu gwa Mukama nti ‘Mugende mu nsi zonna’ Mat 28:19, Mak 16:15.
Abolukiiko kye bava bakwebaza mu kulowooza kwo ne mu kukolakwo nga bwewatera okugenda eyo e Mboga okubeera abantu baayo abazimba ekanisa yabwe. Abolukiiko olukulu bakulamusa nnyo era fubanga mu maanyi ga Katonda enjirye 1 Bak 15:28
Weraba.  Nze, B.M. Zimbe
Omuwandiisi w’olukiiko.